**28th October 2018.**

# MUKAMA TATULEKA WADDE OTTWAABULIRA N'AKATONO.

**Abaebbulaniya 13:5,6.**

Mu kweyongerayo kwaffe mu musoobo eri enkomerero y'ekitabo kyaffe ekitubeeredde ekiwoomu ennyo okuyigirizibwaamu eky'ebbaluwa eri Abaebbulaniya, amakya ga leero twongera okusomesebwa mu mpisa omuwandiisi ze yayagala okusowolayo okukalaatira abasomi be nga naffe kaakano mwe tutwaalibwa ezitugwaanidde olw'obukulu bw'ekitiibwa kya Yesu Kristo gwe tukkiririzaamu nga Kabona waffe Omukulu era omubeezi w'endagaano empya ey'olubeerera ey'entabagana yaffe ne Mukama Katonda Kitaffe.

Agamba mu nnyiriri 5 ne 6 nti…..
Mu nsomesa za Yesu Kristo Mukama waffe, ng'akyaali ku nsi yakiddiŋŋananga kyetubuulirirwa leero. Bwe tusoma mu Matayo 6:31-34 zigamba……
Lukka 12:15-21 zigamba…..
Mu byonna nti obumativu obutuufu tebuva mu kuba na bintu bingi wabula biva mu kwesigisiza ddala Yesu obulamu bwaffe. Era ekivumula omululu oguleeta okululunkanira ebintu bwe bumativu, oba embala y'obumativu, Omutume Paulo gye yagamba mu I Tim. 6:6-10 nti……
Naye tulina okkyeetegereza nti embala y'obumativu eyigwa buyigwa (it's learned).
Paulo yagamba mu Bafiripi 4:11 -13 nti "Soogera kino olwokubanga ndiko kye nneetaaga, kubanga mu buli mbeera gye mbaamu nayiga okumalibwanga. Mmanyi okubeera nga sirina kantu, era mmanyi okuba nga nnina buli kimu. Mu buli ngeri ne mu bintu byonna nayiga ekyama ekiri mu kukkusibwa ne mu kuba omuyala, mu kuba n'ebingi ne mu bwetaavu. Nnyinza okukola byonna mu oyo ampa amaanyi."

Okuba n'omululu kyolesa obuteesiga Mukama, era n'obuteewaayo eri Obukama bwe (lack of surrender unto His Lordship), era kiraga n'obutayagala Mukama. I Yok. 2:15 -17, zigamba…
Ebintu by'ensi byonna birina embala bbiri enkulu; - Biggwaawo/bizikirira….. Tebimatiza!

N’olw’ekyo Paulo ayogera bulungi bwagamba mu II Abakk.4:18 nti “N’olwekyo tetutunuulira bintu ebirabika naye ebintu ebitalabika, kubanga ebintu ebirabika bya kiseera buseera, naye ebyo ebitalabika bya mirembe na mirembe.”
Mu Bakolosaayi 3:1-4 agamba nti “Nga bwe mwazuukirira awamu ne Kristo, munoonyenga ebintu ebiri mu ggulu, Kristo gy’atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Mulowoozenga ku ebyo ebiri mu ggulu, so si ebiri ku nsi, kubanga mwafa era n’obulamu bwammwe bukwekeddwa mu Kristo mu Katonda. Kristo atuwa obulamu, bw’alirabisibwa, nammwe ne mulyoka mulabisibwa wamu naye mu kitiibwa.”

Okuleka [To leave], n’okwabulira [To forsake] bifaanagana kyokka nga byawufu, biringa abalongo!
Okuleka kwe ‘Kujjawo omukono oguwanirira’[leave = fail, like to drop] – okuta.
Era ekifaanani kye ky’okuba nga Mukama ankutte ku mukono buli kaseera…
Okwaabulira kwe ‘Kujjako omwoyo’ – [To abandon, leave permanently] – obutafaayo nate. Ekifaanani ky’okuba nga Oyo atanjabulira ne waaba nga taliiwo – era anfaako – gyaali, ali ku lwange…..
Omuwandiisi abiggya mu ndagaano enkadde Mukama lwe yayogera ne Musa eri Yoswa, n’era eri Yoswa. Mu Ky’amateeka Olw’okubiri 31:6 agamba nti “Beera n’amaanyi era ogume omwoyo. Tobatya wadde okubatekemukira, kubanga Mukama Katonda wo anaagendanga naawe buli w’onoddanga, taakulekenga so taakwabulirenga.” Era akiddamu mu lnny.8 nti “Mukama Katonda yennyini y’ajjanga okukukulemberanga. Anaabanga naawe bulijjo, taakulekenga so taakwabulirenga. Totya so totekemuka.”

Mu I Sam. 12:21,22 Mukama yayogerera mu nnabbi nti “Temukyukanga okugoberera ebintu ebitaliimu, ebitayinza kubagasa wadde okubawonya, kubanga tebiriimu nsa. Mukama tagenda kwabulira bantu be, olw’erinnya lye ekkulu, kubanga Mukama yasiima okubafuula ababe.”
Era nkiwa omuwandiisi mwe yeetwaalira okubikkulirwa kw’ekisuubizo kya Mukama okuba eri abo bonna abalonde ba Mukama nga ffe.

Ky’ava yeyongera okikomekkereza mu lnny. 6 nti…..

Ng'akijja mu Zabb. 118: 6 olugamba nti "Mukama ali ku ludda lwange, siriiko kyentya. Abantu bayinza kunkolako ki?"

Ekisuubizo nga byonna kubaako akakwakkulizo, era nga ku kisuubizo ky'obutalekwa era obutalekererwa Mukama, kwe kuba nga naawe tooleke era toolekerere Mukama. [If we leave Him and forsake Him, we are left and forsaken by Him.]
Naye bwe tuba tumweesigira ddala era nga tumweesigisa byonna ebyaffe, bwaasuubiza obutatuleka era n'obutatwaabulira wadde n'akatono, kitugwaanidde okuddamu n'obuvumu nti "Mukama ye mubeezi wange, siityenga, omuntu ayinza ku nkola ki?"

Mukama bwandeka oba/ era n'andekerera – byonna bye nnina tebigasa, - tebimala, ate tebimatiza. Zabb. 127:1,2 lugamba "Mukama bw'atazimba nnyumba, abo abagizimba bazimbira bwereere. Mukama bw'atakuuma kibuga, abakuumi bateganira bwereere. Oteganira bwereere bw'okeera mu makya n'okola, ate n'olwawo n'okwebaka ng'okolerera ekyokulya; kubanga Mukama abaagalwa be abawa otulo."

Okubeerawo kwa Mukama kwe kumalamu amaanyi okutya kwonna – kubanga ye kwagala – Ate "Okwagala okutuukiridde kugobera wala okutya kwonna".